

335/1
LUGANDA
Paper 1
July /August 2026
2 ½ hours



KAYUNGA SECONDARY SCHOOLS EXAMINATIONS COMMITTEE (KASSEK)
JOINT MOCK EXAMINATION 2026
Uganda Certificate of Education

LUGANDA

Essaawa bbiri n'ekitundu

EBIGOBERERWA:

- ❖ *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bibiri: A ne B. Lulimu ebibuuzo bina.*
- ❖ *Mu kitundu A mulimu ennamba bbiri era za buwaze.*
- ❖ *Mu kitundu B mulimu ennamba bbiri, kolako emu : 3(a) oba 3(b).*
- ❖ *Ddamu ebibuuzo bisatu awamu.*
- ❖ *Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa tebijja kugololwa.*

Bikula

EKITUNDU A

1. Soma ekitundu kino wammanga , n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku nkomerero yaakyö.

Najja omukyala omulungi kaalaala yazaalibwa mu Ssaza lya Kaggo ery'e Kyaddondo, mu maka g'omwami n'omukyala Ssendi. Bazadde be baali bamufunampola , nga si be bano aboogerwako nga ba Ssegaali oba ba Binnyonkondo, Aaaa..! Naye nga bamanyi kigambo kusomesa mwana era baafungiza. Muwala waabwe amagezi go gaali gamwesera! Bwe yalaba nga kitaawe ne nnyina engabo bagirumizza mannyo era basazeewo okumuweerera, naye omusomo n'agukwasa maanyi awatali kwebulankanya okukakkana ng'agukubye oluku mu mutwe bwatyo n'atuukiriza ekirooto kye. Nkulaba ojirira okunsoya ekibuuzo oyagala okumanya bye yasoma. Kkalira ggwe nkuteereko ejjinja.

Najja okuva obuto yatugambanga lunye nti ye ayagala kubeera musawo ajjanjabe abantu. Ne Katonda teyamulyazamaanya bwatyo n'akuguka mu mulimu ogw'obusawo n'afuuka Ddakitaali. Ekyali ewa Ssendi ng'omwana amalirizza emisomo, nakiraba ku mbaga ya Majanja anti baamukolera embaga mawuuno, abantu baalya ne basindisa bigere. Olwo nga n'erinnya lye likyuse , owulira Musawo lye livuga. Ekitiibwa ekyali wali ! Mu lutemya lwa liiso, gavumenti nayo yamusiima n'emuwa omulimu mu ddwaliro lyayo ekkulu mu Ssaza lya Ssaabasajja ery'e Kyaggwe.

Omuntu yenna ng'ogenda ku mulimu gy'ogya ekikumi oba ssente, kale giyite ensimbi,olina okwambala engoye ezikuweesa ekitiibwa era wano buli omu aba agenda kukuwa ekitiibwa kabekasinge n'okukwettanira okwogerako naawe. Mwana muwala bwe yayambalanga ekyambalo kye eky'abasawo ekitukula be ttuku, ttuku...n'omulaba bw'atonna mmooli era nga yeegombebwa bangi! Abaana abawala abaamulabanga nga muyonjo ne bagamba bazadde baabwe nga nabo bwe bajja okusoma obusawo babeere nga Najja. Bwe yagattako n'obulungi bwe obwali bumwaziiranya nkugambye ng'ayogeza bangi obwama!

Ebya Najja tebiggwa malojja, anti Kawamigero bwe yali agaba ebirabo eky'empisa teyakimuseera. Abaamulaba ng'akula nga bamutenda kisa na bukakkamu. Okukuyitako nga takubuuzizza mpozzi nga takulabye, ne bwe baabanga abalwadde abali mu nnyiriri! Ekisa kye ekyali kitiririka ng'omubisi gw'enjuki kyeyolekera ne ku mulimu. Walabanga abalwadde abamu abajjanga baddugala okukamala, bonna nga bagubaasidde nnyini ate nga n'ekisu ekibavaamu bw'okisika oyinza n'okutanaka. Abalala nga bakambwe, boogera baboggoka kwossa n'okubabuuza ne baddamu ng'abatalina mannyo mu kamwa. Olwo abasawo abalala nga babeesamba ne babatunuulira kyamuli. Abo bonna Najja ng'abagumiikiriza, n'abasembeza era n'ababudaabuda bya nsusso.

Omukyala ono obugagga obw'omu mutima yabwekwata era nga zzaabu yennyini. Yali mwesimbu, akuuma ebyama by'abalwadde ne bakozi banne ate nga wamazima, akolagana bulungi n'abantu bonna, ayagaliza ate nga musaasizi era ayamba abali mu bwetaavu kyokka nga mumativu ne by'alina. Teyafanga nnyo ku ssente era ng'abalwadde be abagamba lunye nti " Nze kyenfa kiri kimu , mulwadde wange kuwona. Ekyo kye kimpa essanyu n'ekikakkanya n'omutima gwange." Eddagala mu ddwaliro lyabanga lya bbuia, ng'ebiseera ebisinga teribeerayo. Kyokka nga Ddokita ono abalwadde abatalina wadde ekuba ennyonyi kulyegulira, ezize zaatungula ku luwuzi n'abawa basobole okujjanjibibwa.

Okwekuluntaza ewuwe gwali muziro era omulimu gwe ng'aguwa ekitiibwa. Bino eby'abasawo okwebulankanya ne batajja ku mulimu n'okutuukanga ssaawa ze baagala, abalwadde ne bakonkomalira awo nga babalinda Dr. Najja nga tabikola. Enkoko yagikwatanga mumwa n'atuukira mu budde era n'akola bulungi emirimu gye nga bwe girina okuba. Lwe yabanga talabise ku mulimu nga bamanyirawo nti alina ekizibu eky'amaanyi ekimutuuseeko. Eddwaliro lino nga lirina abasawo batono ate bwe baagattako okwosaayosa ne gujabagira! Wayinzanga okumulaba bwe yeetala n'akirako Namutale omunyageko ente asobole okutaasa abalwadde naddala abaabanga mu mbeera etawoomya nakabululu. Abasawo abakola ekiro basuubirwa okusula nga bajjanjaba abalwadde. Naye mu matumbi budde beekubanga obusenge ne beebaza eyazimba. Abalwadde ne bwe baalaajananga nga bo beesirikira be cce! Ye ng'asula atunula, bambi n'akoowa bya nsusso. Yakolanga nga teyeeballirira wadde okwemulugunya newankubadde omusaala gwali gukyeveera.

Ddokita Najja, enjogera egamba nti, "Agatawulira mukama waago gabikka ntembo." yagikwata bukusu bwatyo n'aba muwulize ate omugonvu. Mukamaawe ne bwe yamuteekangako embeera enzito ddala nga teyeemulugunya. Ekyasinga okuleeta emberebezi kye ky'okwagala okumuganza mbu amufuule omukyala! Ekyo Najja teyakisiima era yakombera ddala ku erima. Omukulu ekyo Najja okumugaana kyamuggya mu mbeera. Olwo n'atandikanga okwogera naye ng'aboggoka buboggosi ate nga buli kimu kimuyombya. Waliwo lwe yamuboggolera nga laddu nti, "Ggwe musawo ebikwata ku balwadde bano bye nakusabye biriwa?" Buli eyamuwulira n'atya nnyo, kyokka ye omukyala n'asigala nga mukakkamu n'atakaalaamyana na ddoboozi. Ekyo ne kimuwangaaza ku mulimu. Eky'okuganja mu bantu nakyo kyamuzaalira ebyeru makaayi by'azaalira ku nsiko, anti basawo banne baamuwalana ne bamukonjera ebyawa n'ebyawo ne bamubuzaako wanywera otuzzi. Kye yakola, embeera eyo kwe kugikwasa Omutonzi nnyini byonna era buli lwe yamukowoolanga ng'awulira muli akakkana. Yeewalira ddala okukoppa emize egyali gifumbekedde mu basawo banne kuba oluvannyuma bangi baakangavulwa n'abandi ne bayimirizibwa ku mulimu. Wabula amateeka go gaanywezebwa ate n'abasawo bonna ne baweebwa omusomo basobole okulongoosa mu nkola y'emirimu gyabwe.

Abantu be yajjanjabanga baamuzzangamu amaanyi. Mu butuufu baamwagala! Najja yaganja mu bantu n'akatagga. Bagamba akola obulungi asiimwa era bano baakituukiriza. Yafunanga ebirabo buli lukya. Abo abajjanga n'emmere enkala nga tobala. Ssebo n'ensimbi baazimuwanga okulaga okusiima kwabwe. Awo naye n'alyoka akola obutassa mukka. Yayamba nnyo bazadde be mu kubalabirira awamu n'abantu abalala. Ensimbi ze endala yazikozesa okwekulaakulanya bwatyo n'agaggawala nnyo! Yasobola n'okwetandikirawo akalwaliro akake. Nga kati ayogerwako ng'omugagga ffugge ate nga bangi bamweyuna okumwebuzaako.

EBIBUUZO

- (a) Muwala wo Biitu agaanye okusoma obusawo ggwe bw'oyagala, nti bulimu ebizibu bingi, ekintu ky'otakkiriziganya nakyo. Sinziira ku kitundu kino omunyonnyole ebirungi ebiri mu mulimu ogwo asobole okukyusa endowooza ye.

- (b) Mukwano gwo asazeewo okusoma obusawo naye buli muntu amugamba nga bwemuli okusoomoozebwa okw'amaanyi. Azze n'akusaba omunyonnyole okusoomoozebwa okuli mu mulimu guno kuba ye tamanyi. Weesigame ku kitundu ky'osomye omunyonnyole bulungi ky'akusabye.
- (c) Ggwe okulira abakozi ku disitulikiti. Osabiddwa okubaako entanda gy'obasibirira ku lunaku lwabwe olw'abakozi basobole okwongera okunywerera ku mirimu gyabwe n'okugikola obulungi. Weeyambise ekitundu ky'osomye onyonnyole ensonga z'onoobagamba ku lunaku lwabwe.
- (d) Abantu abasinga beemulugunya ku mbeera eri mu malwaliro ga gavumenti. Ng'osinziira ku kitundu ky'osomye, nyonnyola abakulu mu gavumenti ebyo bye bayinza okukola okusobola okutaasa embeera eyo.

2. Soma ekitundu kino wammanga, n'oluvannyuma okole nga bw'olagiddwa.

Abazadde baayitiddwa mu lukliiko ku ssomero lyammwe era abayizi ne basabibwa okutuula ne bazadde baabwe. Omugenyi omukulu bw'abadde ayogera essira alisimbye nnyo ku bitone eby'enjawulo wabula ng'ayogera mu lungereza muzadde wo lw'atategeera bulungi. Awulira ayagala okumanya ebyogeddwa. Yamba muzadde wo asobole okutegeera obubaka bw'omugenyi omukulu.

A TALENT IS GOLD

A talent refers to a natural skill, for example, ability to sing well is a natural talent. Athletics, playing football well, public speaking and dancing are also examples of natural gifts. Such gifts can always be developed. God gives differently and each one of us has got a talent to develop. There is something in you that you can do best that may not be found in others.

Sit down and think big. Look at what you can do best or something that touches your heart, then work and develop it. Do you know that there is gold within you that is not tapped and you are busy running for bronze and silver? Parents are always encouraged to help their children in developing their talents rather than hindering them, misleading them to do what they cannot manage or what they are not much interested in.

Take your stand. Settle the issue with your parent or guardian regarding your talent development. These days, some parents tend to think that unless you pass science subjects, you are doomed. In the society we live, we need religious leaders who give us the spiritual food, we need the political leaders, the judges, accountants and musicians. So other subjects should also be given attention. Therefore, stand firm and develop your talent and work towards that goal.

EKITUNDU B

Kola nnamba **3 (a)** oba **3 (b)**

- 3. (a) Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiikeembooji ya bigambo nga 200 – 300.**

Ku kyalo Ndiba kw'obeera, engeri abatuuze gye beeyisaamu si ya buntubulamu. Embeera zaabwe zibasobedde kuba buli omu ali ku lulwe ekikosezza enkulaakulana y'ekyalo. Mu lukiiko oluyitiddwa Ssentebe osabiddwa okusomesa abatuuze, engeri omutuuze omulungi bw'asaanidde okweyisa n'ebyo by'alina okukola okusobola okutebenkera obulungi ku kyalo.

Wandiika by'onoobagamba basobole okukyusa mu mpisa zaabwe.

Oba

- (b) Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiike embooji ya bigambo nga 200 - 300.**

Oli mukozi mu Kkampuni emu, wabula embeera gye mukoleramu nzibu ddala era muwulira temukyasobola kugigumiikiriza kuba ebasusseko. Osazeewo okutegeeza Maneja wa Kkampuni eyo ku bizibu bye musanga musobole okufuna ku buweerero.

Muwandlikire omunyonnyole bulungi embeera gye muyitamu.

BIKOMYE WANO